**Minutes of the meeting in Luganda.**

Olukiko lwatandika ku saawa 11:55am N'okusaba okwa kulemberwa Professor Francis Nnagenda.

Omukulu w'olunyiriri lw'a kyanjo Muhamadi Nnaggenda Kyanda. Jafari yawa obibaka bwe eri batabani be wamu nebazukulu be. Mukw'ogera kwe yayaniriza bonna olw'okujja mu bingi nga ate bayitibwa mu kasera katono nnyo.

Yagenda mu maso nakaatiriza obukulu bw'enkiko z'okumanyagana era wano we yasabila baganda batabani be ne bazukulu be okw'egatta Nokujjumbira enkiko kubanga mubamu eby'okuyiga bingi naddala kunsonga ezikwata ku kika kyabwe. Era yasaba bazzukulube ne baganda be okuwandika amanya ga baana babwe gayingizibwe mu kitabo kyekika.

Oluvanyuma lw'okwogera kwe waliwo okweyanjula(okumanyagana). Mu kw'ogera kwe omukulu w'omutuba gwa kaddu kibuuka Omwani John W. Kaddu Yeebaza omwami Muhamadi kyanda Olw'okuyita olukiko era ne yebaza ne bazuku u be olw'okujja mubungi yakkatiriza obukulu bwo'kumannyagana N'asaba bazzukulu be baleme kusisinkanaga mukuziika nanyimbe byokka nga amaliliza yasaba olukiiko lumukilize agende nga telunagwa nga awelekelwako muganda we Eliyasa Nnaggenda olw'emilimu gye kika emirala gyeyalina okumaliriza.

Ssekade Nnaggenda yasaba walondebwe wo ennaku ez'okusisinkanangako mu mwaka. Ekirowozo kye kyayanirizibwa era ne kisalibwawo nti tujja kusisinkananga emirundi ebiri mu mwaka mu mwezi gwokuna (April) ne mugw'ekuminebiri(December).

Proffessor Francis Nnaggenda yebaza baganda be olw'okujja mu bangi era yatangaaza enjawulo eriwo wakati w'okweyanjula n'okulannya. Yategeza nti okulanya kukolebwa wa Ssabasajja Kabaka era wano yagamba nto olaga amannya go, aga taatawo, aga bajjajjabo, ennyumba, lunyiriri, omutuba, esiga n'ekika mwova.

Yasaba wa wandikibwe wo olupapula olulambika ebintu ebyo biwebwe buli muntu, yasaba nokuyitiriza enyo okukozesa olulimi oluganda n'okuwandika ekitabo ekirimu ebyafayo by'ekika kyaffe.

Waasibwawo akakiko akavunanyi zibwa kukuwandika ekitabo era bano wamnaga balondebwe:-

Professor Francis Nnagenda nga ye (Chairman was kakiiko), Mulinde Phillipo W.(Wesiiga), John Kaddu Ow'olunyiriri lwa Kyanjo Astaliko Kyendo Ow'olunyiriri lwa kyendo Nsubuga, Muninde Sulaiman (Secretary) Nawoova Fatuma.

Ssenga Secilia Nawoova yasaba bazzukulu be ne baganda be okwegatta n'okwagalana ennyo awatali kufa kubugagga yadde obwavu kuba ffena tuli muntu omu,era wano we yawera ekyokulabirako kya jjajja ffe omugenzi Jafali Musisi nti yayitiriza nnyo okulambula abantu era natusaba naffe talambuligane nga.

Ssenga Ssanyu Sepuuya yebazza mwami Moses Luyombya olw'okuwayo ensimbi eza kozesebwa mukutekateeka olukiiko.

Moses Luyombya nga eno abela mu America yeebaza abateesiteesi b'olukiiko nategeza okukokukyo(Family Tree)nokubangawo munkiiko zona ezina dilila.

Dan Kyanda yawereza okwetonda kw'e obwobutabawo mulukiiko olw'ku beera mulukiiko Nabakubiliza nokw'etanila enkiiko zona ezikwata kukika.

Mukwogera kwe omukulu w'essiga lya Mulinde Omwami Phillipo Mulinde yatangaata nti enkiiko zessiga zitula ekyaggwe emirundi esatu mumwaka.

Mumwezi gw'okuna (April) Ogw'o mwenda, (September) no gw'ekuminebiri (December)buli Sunday esooka.

Yalaga n'ensibuko yaffe nga wano wamanga.

| |
|---|
| Jjajja Fee ye Balikamdude Mulinde yazaala |
| Mutabazangabo Kassajja Mubiru yazaala |
| Walubi Mulide yazaala |
| Abaana Nsanvu nga muno Mulimu Mutyaba,Kyanda,Kyanjo nabalala |
| Mutyaba nazaala Tamusuza, Eric Luwazzo, Musoke Stanley, Nawoova |

Bano wamaanga be bazzukulu ba Mutyaba, Sam Kaddu Zavuga(Lwafu). Ernest Mulinde, Tamusuza, Assy Kibunga, Mary Ndyelowooza, Ntulo Nanviyano, Nawoova Giladisi.

Habibu Kyanjo yazala Ssenkunja Mikayili, Festo Manayangenda, Fabya Kinembe, ne Jafali Musisi,Yusuf Kayingo, Mariam Namubiru Mutenda ne Asina mufumbira Mbogo.

Omukulu w'essiga lya Mulinde emulajje yakubiriliza bazukulu be okukiika nga munkiiko zessiga ezitula emulajje Kyaggwe. Waliwo okulya ekyemisana N'oluvanyunnyama, Muhammad Kyanda yategeeza nga Harunah Kannabi Mpadawadakobuwazizi bwe agenda okuwasa nga 24/06/07 ela embalilila ye mbaga(budget)zagabibwa.

Olukiko lw'agalwawo kussawa kumi (4:00pm). Olikiiko olunadako lwa Sunday eyokubiri mu December 2007.